# Basabidde abadda ku masomero ne ffiizi

REVERAND Noah Mugabi Bukenya akulembeddemu ennyimba z'okusinza n'okwegayirira Katonda okussa obukuumi ku bayizi abadda mu masomero, okugabirira abazadde abanoonya ffiizi n'akuutira n'abasomesa okuyitiriza okwagala ennyo omulimu gwabwe.

Ate omumyuka wa Ssaabadinkoni mu Busumba bwe Semuto Rev. Dinkoni Easter Nakku awabudde abazadde, abayizi n'abasomesa okuyitiriza okwebaza Katonda bulijjo olw'obuwanguzi bwe babeera batuuseeko mu misomo egy'enjawulo ne mu bulamu bwabwe obwa bulijjo.

Rev. Dinkoni Nakku ne Rev. yasinzidde ku ssomero lya Semuto Parents Modern School ku mukolo gw'okwebaza Katonda n'ategeeza nti okwejjukanya n'okutenderenza Katonda olw'ebirungi ebituukiddwako kamu ku bubonero obulaga okwagala Katonda n'okusiima byakola.

Waliwo n'omuzadde eyawaddeyo sseggwanga y'enkoko n'enkota y'ettooke eri dayirekita w'essomero Vicent Kakooza ng'amwebaza omutindo.Kakooza naye yaddiza abayizi n'abasomesa abayise n'obubonero obwawaggulu.



Rev. Bukenya (ku ddyo) ne Rev. Nakku mu kusaba okw'okwebaza wamu n'okusabira abayizi abadda mu masomero. Wakati emabega ye Kakooza.